WAFUUKA BIKADDE BY CATHERINE KUSASIRA

Posted by Kalibattanya - 2007/11/26 17:25

Obukambwe obuli mu luyimba luno bwa kiserikale. Naye oba nekiserikale tekituukawo? Favouritism gyendulinako yakuwangula okutiisatiisa omuntu aludde ebweeru, ogamba maama ngenda kukwana wa eyo gyebannanvumira namagufa? Gwe ate mbu ne giraasi gyonywereddeko siginyweerako, mbu gwennafuna akusinga etc....

Bannange, nga lwaki sigenda bugenzi mirembe nga entamu efumba lumonde?Bwebabanga bagaba ebisitafeeri byomwaka ogujja, temulwelabiranga. Engeri gyerutayitamu ku PAM, luteekwa okubako kyerufuna.

==========

Re:WAFUUKA BIKADDE BY CATHERINE KUSASIRA

Posted by JeenaJulia - 2007/11/27 09:23

Atakulaba yakugaaya,ela dala kutisa tisa kwakika kyawagulu nyoo kuno nga okwa bakombozi.

==========

Re:WAFUUKA BIKADDE BY CATHERINE KUSASIRA

Posted by Meli - 2007/11/29 08:11

Kkwo okuba bannange oluyimba luno!!! Lunjagaza kukola band yange, nve mu kunenya. Oli ayinza nokubuuza nti ggwe okozewo ki? Naye ffenna tunadda ate mu nyimba? Abaliyo bakole omulimu omunyirivu! Ate nno tebatwala criticism, awo nga bajja kukuyimba nti; toyagaliza, kikuluma, tewasiga nsigo, olina effutwa , olina ennugu... leero nyabo!

==========